BAGAMBE MBAGALA

Okufuna okubikulirwa okw'o kwagala kwa Katonda ku lulwo

JOYCE MEYER

BAGAMBE
Mbagala

Amazima Agakwatagana Ku Kwagala Kwa Katonda Gyoli

EBIRI MUNDA

Okwanjula.....2

1. Katonda akwagala! 5
2. Ndi mulungi ekimala? 11
3. Okwagala nkolagana 17
4. Okwagala, Okukiriza, Nokwesiga.....23
5. Okugerageranya okukiriza awamu nebikolwa eby'omubiri.....27
6. Eddembe okuva mu kutya 29
7. Okwagala Kutukirira abalala.....35
8. Okwagala kwa katonda kujja kukyusa! 41

Essala eyobulokozi.....44

OKWANJULA

Nzikiriza nti abantu kyebasinga okwetaga okusinga ebilala byona, kwe kubikulirwa okwa sekinomu okwo kwagala kwa katonda. Okutegera kuno kwekutuwa omusingi ogwenkolagana nga yabuziba ne katonda era nobulamu obwobuwanguzi mu Kristo. Tetwetaga magezi "gabuntu" kubikwatagana nokwagala kwakatonda; Twetaga okubikulirwa okwo kwagala kwakatonda mumitima gyaffe. Omwoyo omutukuvu yeka yakigaba, era ajja kukikola ngatufumutiliza kukwagala kwa Katonda, tegera okwagala Kwa katonda mubulamu bwaffe, ononye okubikulirwa okuyita mukigambo kyakatoda ekyawandikibwa nokusaba.

Okukiriza nti Katonda ayagala ensi yona ekimala okusindika Kristo okufiririra ebibi byabuli muntu, sikizibu nyo. Naye kyandibade kizibunyo okukiriza ntinewankubade Katonda akwagala nyo, yandisindise Kristo okufirira singa gwe weka eyali asigade kumaso gensi.

Oluvanyuma lwo kubonabona emyaka emingi mu bulokole, nakomekereza nga nfunye okubikulirwa kwo kw'okwagala kwa Katonda jendi. Olwekisa Katonda yambikulila okuyita mumwoyo omutuvu, okwagala kwe jendi kudala elya sekinomu. Okubikulirwa okwo kwoka kukyusiza obulamu bwange bwona, nenkolagana yange naye.

Okusaba kwange, ngosoma ekitabo kino, ojakufuna okubikulirwa kw'okwagala kwa Katonda nga sekinomu. Nkukubiriza okukisoma nga wetegereza, kikozese okukulungamya okuyiga okwagala kwa Katonda mu

Baibuli, era nokufumitiriza ku byawandikibwa nebirowozo byonosanga mu mpapula ezidako.
Katonda akwagala nyo! Era ayagala omanye era otambulire mukwagala kwe buli lunaku, mu buli kanyomero akobulamu bwo, nga bwakoze mubulamu bwange. Nkuwa ekitabo kino mu buwombefu, nga manyi nti silina kyendi awatali Katonda, era buli kubikulirwa nokutegera kwenina okwekigambo kye lwa kisa kye.

1. KATONDA AKWAGALA!

"Katonda bwatyo bweyayagala nyo ensi eno, nokuwaayo nawaayo, omwana we omu yeka, buli amukiriza aleme okubula naye abeere nobulamu obutaggwaawo."

—YOKAANA 3:16

Katonda ayagala amakka, era ayagala kubera kitaffe. Twatondebwa okubera nenkolagana naye, era tubere batabani be ne bawalabe, ngatubera mubulamu obutaggwaawo Yesu bweyafa okutuwa. Kitegeza, ayagala tumwesigameko, tumwagale, era naye atwagale. Ayagala tumwesige, era tumutukirire nga tulina ebyetago. Ayagala okubera nenkolagana eyasekinomu naffe.

Abasinga kuffe tulowoza ku Yokaana 3:16 mungeri egaziyidwa ekisuse. Wewawo, nkimanyi Yesu yafirira ensi eno, tugamba, naye ensi si kirindi kyabantu ekitategerekeka Yesu kye yafirira. Yafa kulwabulimuntu, yafiririra gwe.

Amazima gali nti, singa gwe weka eyali asigade kumaso gensi, yesu yandifude kululwo. Yandiyise mukubonabona kwona kululwo. Katonda akwagala nyo, era okwagala kwe

kwa luberera (Yeremiya 3:13).

Olunaku lumu nali nvuga, Katonda nayogera nomutima gwange ngagamba, "Joyce gwe munye yeliso lyange." Omulabe nagamba, "Aggo simalala? Weyita ani?" awo nendowoza nti silina kulowoza bwentyo.

Bwetuzula nti tuli bakitalo, era tulina ebirabo ebyewunyisa, talanta, nobusobozi, kikontana nengeri jetwelabamu oba okwelowozako. Naye amazima, bulimuntu yatondebwa Katonda mungeri eyewunyisa. Katonda yakutonda nga oli wanjawulo, ekitegeza tayagala wegerageranye kubantu abalala oba okubera nga bbo. Oli wamuwendo gyali nga bweyakutonda.

Bwenali ndowoza kwebyo Katonda byeyayogera nomutima gwange, nensiga ekifananyi ekyo mukazi ngayimiride mukatale awali ebibala ebya apple. Yazitunulila nakunukiriza okutola eyasinga okumulabikila obulungi. Nategera obubaka bwa Katonda nti bwali butegeza nti yenze "apple" ennungi gyali. Nze eyali owomuwendo. Ekyo tekiwulikika bulungi naye bwatyo Katonda bwatunulila buli muntu. Tekitegeza nti oliwanjawulo nyo kubantu abalala oba abantu abalala sibalungi. Agamba nti fena tuli bamuwendo. Katonda bwatyo bwayogera mu kigambo kye, era ekigambo kye kyabuli muntu. Oli munye yaliso lya Katonda.

Mukisera ekyo, sayanguwa kukiriza katonda kyeyali angamba, kubanga nali mpulira nti kibi okwelowozako ebirungi. Naye oluvanyuma lwenaku bbiri, nabikula Baibuli yange

mu Zabbuli 17:8 era kyenatukirako: "Nkuma ngemunye yeliso lyo; Nkweka wansi wekisikirize kyebiwawatiro byo." Nengamba, mazima oyo abadde Katonda "Mazima ddala yenze munye yeliso lya Katonda." Buli lwenakilowozangako, Kyandeteranga okuwulila nti ndiwakitalo. Okimanyi nti oli wa muwendo nyo eri Katonda era ayagala owulire nti oliwanjawulo, wamuwendo era oyagalibwa?

Abantu bayayanira okwaglwa. Katonda bwatyo bweyatutonda. Abantu banji abakiriza nti Katonda ayagala ensi era ayagala yesu, naye kibazibuwalira okukiriza nti Katonda abagala bbo nga sekinomu. Ate nga ekigambo kituyigiriza nti atwagala nga bwayagala Yesu. YOKAANA 3:16 ekinyonyola. Era ayagala okufukumula Okwagala kwe no mukisa gwe mubulamu bwaffe nga bwayagala era bwawa Yesu omukisa. Yokaana 5:2 egamba, Taata ayagala nyo omwana, era amubulira buli kyakola, era talimukweka kintu kyona, osobole okwewunya no kuwunikirira.

Katonda agamba wano, ebikulu byona byenkola mbikolera mulinya lya Yesu, era ebikulu ebisinga ku bino okuyita mu Yesu musobole okwewunya. Katonda ayagala kutwewunyisa nga akola ebitunyumira era ebitusanyusa.

Tusoma ebyawandikibwa bino, netusubwa Katonda byagala okukola sikulwaffe feka naye okusingira ddala, nga ayitamuffe. Ayagala tutunulire ebikulu byeyakola okuyita mu Yesu, tukirize nti ayayana okukola ebisingawo okuyita muffe. Mu Yokaana 14:12, "Yesu agamba, omuntu yena bwanakiririza munze, ajakukola ebyo byenkola, nokusingawo, kubanga

nzirayo ewakitange."

Katonda akolere abantu ebintu bingi bulijjo kubanga abagala, naye tebabilaba. Ekyokulabilako: Buli lunaku omusana bwegwaka, gwakira gwe nange. Ebimuli bimeruka mubika ebyenjawulo okutusanyusa. Ensi Katonda gyeyatutondera yasukuluma obulungi era ayagala tugyeyagaliremu! Olubereberye 1 egamba, Katonda nawa omuntu obuyinza okukozesa ebintu byona kunsi okuwereza Katonda no muntu.

Enkuba bwetonya mubiro byayo, etonya ewuwo. Omuzira bweguja, guja ewuwo. Ebigere byo, bilungamizibwa Mukama, era eliso lye lili kugwe.

Ekyamateka 7:9, egamba, "Mutegere nti Mukama Katonda wamwe, yekatonda, Katonda omwesigwa akuma endagano eri abo abamwagala era abakuma ebiragirobye emirembe lukumi.

Okwagala kwa Katonda gyetuli kwamirembe gyona ate tekuliko bukwakulizo, banji kuffe tulowoza nti tumukoyeza nensobi zaffe, naye tekisoboka. Sinsonga ki kyokola tosobola kukomya kwagala kwa Katonda gyoli. Okwagala sibye bimu kubintu Katonda byakola; Katoda kwagala.

Bwoba olowoza nti yegwe asingayo obubi okwagalwa Katonda, welimba. Tewali kinya kiwanvu nyo Katonda kyatasobola kukamu nakununulayo. Alina omupango ogwokununula, Takoma kukusonyiwa bibi byo bwomusaba,

naye abyerabila nabisangula nge ebuvanjuba bwewesudde ku bugwanjuba. (Zabbuli 103:10-12).

Osobola okugamba nti nakiriza Yesu mubulamu bwange, era mwagala. "Naye mbade mbuza, olowoza Katonda akwagala kyenkanawa?

Okwagala kwa Katonda okutaliko bukwakulizo era okwemirembe gyona, bubaka bwangu nyo, ate nga gwe musingi ogusokerwako mubulamu gwe osobole Okutegera ebilala. Nzikiriza yentandikwa yo kuwonyezebwa mubulamu bwaffe.

Sinsonga biki ebilala byoyiga, newankubade okwewayo enyo okuyiga nokunonya ebintu bya Katonda, bwoba tosobola kukiriza amazima nti akwagala bwagazi awatali muwendo, toja kusobola kutambula kutuka wala naye. Tufuna okuva eri Katonda lwakukiriza, naye nokukiriza kukola lwa kwagala, (Abaggalatiya 5:6) okujako nga tufunye Okwagala kwa Katonda, tewali kilala kyona kyetusobola kufuna.

Okwagala kwa Katonda kutusobozesa okutambula awatali kutya, (1Yokaana 4:18) ate nga kyamugaso nyo okunyumirwa obulamu nokutuka ku bilubilirwa byaffe. Onakiriza Okwagala kwa Katoda okutagulibwa ssente? Tekugulwa; tosobola kukugula okuyita mu bikolwa ebirungi…… kyolina okukola kwekutwala, ku twala no kutwala.

2. NDI MULUNGI EKIMALA?

Nate okusuubira tekukwasa nsonyi, kubanga okwagala kwa Katonda kufukidwa ddala mu mitima gyaffe, ku bw'omwoyo omutukuvu gwe twawebwa. Kubanga bwetwali nga tukyali banafu, mu ntuuko ze Kristo yafirira abatatya Katonda. Kubanga kizibu omuntu okufirira omutuukirivu; kubanga omulungi mpozi aguma nokumufiririra. Naye Katonda atenderezesa okwagala kwe ye gye tuli, kubanga bwe twali nga tulina ebibi Kristo natufirira. Kale okusinga ennyo kaakano bwetwaweebwa obutuukirivu olwo'omusayi gwe, tugenda kulokoka mu busungu ku bubwe. Kuba oba nga bwe tukyali balabe twatabaganyizibwa ne Katonda olwokufa kw'omwana we, okusinga ennyo bwe twatabaganyizibwa tulirokoka olwo bulamu bwe. (Abaruumi 5:5-10)

Kyangu okukiriza nti Katonda atwagala singa tuba nga tetwononye, ekizibu abantu abasinga tebeyagala, era kino kibaletera okulowoza nti oba Katonda tabagala. Ate nga baibuli egamba, Omuntu kye kiki, gwe okumujukira (Zabbuli 8:4). Tulibitonde bya Katonda atwagala kubanga atwagala. Katonda kwagala! (1Yokaana 4:16). Katonda atwagala bwagazi.

Akwagala, era oliwanjawulo. Kitegeza nti toliwabulijo era oyawukana kubalala. Tolina kuberanganze ate silina kubera nga gwe. Era ojakuba mwenyamivu bwotandika okugerageranya obulamu bwo no bwabalala nokuvuganya nabo.awo oba owa omulabe omwaganya okukugamba nti tolimulungi kimala. Amazima gali nti, awali ekigambo kya Katonda tolina nakubera "mulungi kimala" Yesu yafuka omulungi ekimala mukifokyo. Yasasulira ebibi byamye nabonabona kulwamwe.

Baibuli egamba bwaba yakwagala nyo nokutuka okufirira, tekisingawo nyo, okutukuzibwa olwomusayi gwe, kakati akwagala? (Abaruumi 5:8-9) amazima akwagala ekimala, ela abika ku bibi byo bulijo era akutukuza okuva mu butali butukirivu.

Kino kyekyokulabilako engeri Katonda gyalabamu ensobi zaffe nebitulema. Lowoza ku mwana omutto, emyaka essatu ku enna, nga bulijo yetegereza mama nga akola emirimu ejawaka, ayagalanyo mama we, nafuna bucket eya mazi nekisimula ekitono, nagenda kudirisa natandika okulisimula.

Ekivamu mwena mukimanyi, akomekereza edirisa alisabye sabbuni, kyoka ngakozeseza ekisimula ekisinga obulungi. Najja ngamusanyufu, nakalobozi akalungi akawomerevu, ngagamba, mama! Mama! Nsimude edirisa, nkoze omulimu mulungi, nkwagala nyo mama!

Mama namugamba, ekyo kyokoze ngakilungi! Webale nyo

okunyamba. Omwana bwamala okuvawo, mama agenda nadamu nalongosa. Era oluvanyuma nazamu muwala we amanyi nga amugamba nti olulala asabe obuyambi amuyigirize okusimula obulungi.

Kino Katonda kyatukolela, era asobola okukola, kulwobulungi, kulwabo abamwagala era abayitidwa kulwe mirimu gye (Abaruumi 8:28) bwoba ngokola ekyo kyomanyi okukola obulungi, ekyo kyoka Katonda kyakusubiramu. Asobola era ajakukuyamba okweyongerayo bwosigala ngomunonya, ajakukukyusa mukifananyi kye okuva mukitibwa nga oda mukitibwa. (2 Abakkolinso 3:18)

Kubanga Katonda gwe yatuma ayogera bigambo byakatonda: Kubanga bwagaba omwoyo, tamutegera. Kitaffe ayagala omwana, era yamuwa byona mu mukono gwe (Yokana 3:34-35)

Olunaku lumu, bwenalinga nsoma olunyiriri luno, nakaba, olwesanyu bwenakitegera nti Katonda tatupimirako ku mwoyo gwe. Tatuwa katono kukino nekiri, Mugabi era asobola okukola okusinga era okusukuluma ekyo kyosaba nokulowoza. (Abaefeeso, 3:20)

(Ekyamateeka 7:6-7) Katonda agamba “Kubanga gw’oli ggwanga ttukuvu eri Mukama

Katonda wo: Mukama Katonda wo yakulonda okuba eggwanga ery’envuma gy’ali, okusinga amawanga gona agali kumaso gensi. Mukama teyabbaasako kwagala kwe, so

teyabalonda, kubanga mwasinga eggwanga lyonna obungi; kubanga mwali batono okusinga amawanga gonna."

Ekyo ekintu kikyamukiriza, Katonda agamba, ntadde okwagala kwange kugwe era nenkugamba nti olimutukuvu, Nakugamba nti oliwanjawulo, nakulonda, silwakuba olimulungi kululwo naye olwokuba nkwagala, "Omanyi Katonda kyayagala okole olwalelo? Ayagala okirize okwagala kwe. Lekelawo okugamba Katonda bulikibi ekikukwatako. Tewali kyatamanyi, era toil kyewunyo gyali. Yamanya buli kimu ekikukwatako, nabulinsobi yonna gyolikola, bweyakusembeza munkolagana naye!

Ekizibu ekisinga, tetweyagala, era kulwensonga eyo, tetukiriza nti Katonda atwagala, oba nti omuntu yenna atwagala. Era tulowoza nti! Basobola batya? Ndimukyankalamu! Bwokiriza nti oli muntu mubi, era ojakweyisa ngomubi. Amazima, tosobola kusukuluma kyewelabamu mumutima gwo.

Obuzibu bwange bwali nti nali seyagala, era nemala obude bwange obusinga nga ngezako okwefula ekyo kyenali ndowoza nti kyenina okubera. Ekyokulabirako, Nalindowoza nti njogeranyo, era nengezako okusirika, naye bwenasirika nanyigirizibwa era nenakuwala. Era buli omu yayagalanga okumanya lwaki nali musirifu, nolwekyo nalowozanga nti bangambye nti nina omumwa omunene, ngezako obutayogera nyo, kati mundeke.

Siyinza kukubulira myaka emeka gyenamala ngampita mumbera bweti, nesanga nga ndi mubuzibu olwomumwa

gwange kuba nali ngezako okwekyusa, era sitani, yanzijukizanga, nti nali mubi nyo, buli lwekyabangawo kubanga omulimu gwasitani gwa kutulumiriza nakutusalila omusango. Nolwekyo Nkitegera nti sikyangu okukiriza nti nebwoba nga okoze ebibi Katonda asigala nga akwagala.

Katonda ayagala obe wadembe okuva mu kwesalira omusango, naye wetaga okukiriza nobuvumu osobole okuba nedembe. Obade omanyi okwesalira omusango tekusobola kusasulira kibi? Njagala okudamu okugamba nti okukiriza nti Katonda akwagala nga oyononye si kyangu

Kakati sitani ajja kukujuza ebirowozo ebyolesa obubi bwo "kakati okikoze" Era ajakugamba "weyita ki? Katonda tali kuwa mukisa, wandikoze ekisingako. Tosobobola kujulila Yesu kati, Katonda tasobola kukukozesa era nesala zo taja zidamu, tolina kyamakulu kyona kyosobola kukola."

Awo kyetagisa obuvumu mu Katonda okwatula nti Tata nakola ensobi era mbade nsaba onsonyiwe, nentonze kulwekyo kyenakoze era njagala onsonyiwe. Kilungi okugamba Sitani, nga omujukiza nti Yesu yasasulila ebibi byo, era wasonyiyibwa. Amanyi gekigambo kya Katonda, ekikolela mu gwe kijakuzimba okukiriza kwo. Era ojakunyumirwa obulamu bwo era obera omukisa eri abalala.

"Oyinza okulowoza, lwaki nkola ebintu ebibi ngambidinganamu? Nange nalindowoza bwentyo okutusa lwenasalawo obutasalirwa musango. Bwosalawo okulukela

awo okwesalira omusango kulwebyo ebintu byokoze, kijakukuyamba okulekele awo okukikola.

Okusalirwa omusango kukuzitowerera era mpaka nga tolina ddembe oba emirembe.

Kikumalamu amanyi nekiba kyangu okwonona, yensonga olina okuba omuvumu, okufuna ekilabo kya Katonda nokugana okusalirwa omusango. Olina okusalawo okubera mukukiriza olwekyo Katonda kyagamba mukigambo kye era ogane okwekubagiza. Omulabe ajakukugamba "kyotegeza nti togenda kuwulira bubi" Lwaki, wakiri olina okuwulilako obubi akasera akatono, ekyo kyewakoze kibinyo" Naye kyolina okugamba nti nedda 'sigenda kuwulila bubi nakatono, era osabe Katonda akuyambe akuwe ekisa okuleka enewulila eyo weyongereyo. Emirundi egisoka, kijakuba kizibu naye kijakwanguwa.

(Isaaya 53) tusoma nti Yesu bweyatwala ebibi byaffe, yetika obuyinike bwaffe, sitaani tayagala tube ba ddembe okuva mukusalirwa omusango, lwaki kubanga bwosalirwa omusango tosobola kufuna kwagala kwa Katonda. Okusalirwa omusango kikwawula okuva ku Katonda era oba tosobola kunyumirwa kuberawo kwe, kikuletera okujja amasogo ku Katonda nobanga wesiga manyi go agobuntu.

Osobola okubawo awatalikusalilwa musango ngokiriza nti Katonda bweyagamba nti ekisakye kimala okubikako ebibibyo byonna, yali akitegeza. Akwagala era ekisakye nokusonyiyibwa birabo byo, bitwale olwalelo.

3. OKWAGALA NKOLAGANA.

Nate twategeera era tukkiriza, Okwagala Katonda kwalina gyetuli. Katonda kwagala; n'oyo abeera mukwagala, abeera mu Katonda, ne Katonda abeera mu ye." (Yokaana 4:16)

Ngekyawandikibwa kino bwekigamba nti Katonda kwagala, era ayagala tutegere Okwagala kwe, tuloze era tumanye Okwagala kwe. Kati osobola otya Okutegera Okwagala kwa Katonda? Sinsonga Okwagala kwalina gyoli, bwoba tomanyi kwagala kwe tekuja kugasa. Lowozako bwowulira nga omuntu akulaze omukwano. Bwoba omanyi nti oyagalibwa, kyikuwa obuvumu. Katonda akwagala era ayagala akulage omukwano gwe. Atwaniliza okuyingira ebuziba mumukwano ogwa sekinomu naye. Ayagala okwanilizibwa mu buli kyetukola. Ayagala wabewo enkolagana nokunyumya embozi naye nga bwetwandibade mu mukwano nabantu abalala.

Olina enkolagana nekatonda? Bwetulokoka tetufunirawo kutabagana kwabuziba ne Katonda, wabula tufayo okutondawo enkolagana naye, nga bwetukola nabantu abalala.

Namala ebanga eliwerako mu bulokole naye nga silina nkolagana ne Katonda, nasaba nga buli Sande, era

newabawo nemilimu gyenayambangako okukola ku kkanisa, naye Katonda teyali ku nkulungo eyobulamu bwange. Nawulira nga ndimukalu nyo. Naye kati, yasoka mubilowozo byange kumakya, era yaba mubilowozo byange ngasinaba kwebaka. Tutabagana okuyitira mu lunaku lwonna era tewali kyenetaga okusinga okuwereza Katonda nomusanyusa. Waliwo omuwatwa mu buli muntu nga Katonda yekka yasobola okugujuza. Tewali kyosobola okuyayanira newankubade okufuna nga kisobola okujuza omuwatwa ogwo. Nkukubiriza okwebuza, olimumalilivu okola enkolagana ne Katonda? Netegese okusosa Katonda nokwagala kwe mubyenkola byonna? Nyinza okwogera nga Pawulo bweyakola mu Ebikolwa by'abatume 17:28 "muye mwetutambulira era mwe muli obulamu".

Katonda akwagala era oliwa muwendo jjali, yakutonda osobole okuba nenkolagana naye, kuno kwekuyayana kwe, era kwe kwagala kwe okutukiride mu bulamu bwo. Akukuba akama mumutima buli kumakya "amakya amalungi, nkwagala nyo", bwoba nga towulira nga kama ako, onasobola okutandika okuwuliliza nokiriza?

Mukwano gwange, yafumitiriza, nasiga ekifananyi ngalaba kitawe nga agenda okukyalira amaka gabamerika kumakya, ngagenda yetesetese okwogera nokutabagana nabo, yafunanga ekifo kumeza natula. Abantu basituka nebaja, nebagenda. Ngabagamba Katonda, "oluvanyuma, Katonda, lindililako awo. Bwenamaliliza kino, ngenda kwogera nawe. Tujakutabagana edda, lindako, oluvanyuma."

Olunaku nelugwako, Katonda naava mumaka gabwe nga anakuwade kubanga tewali yaja kwogera naye kw'olwo, buli omu yali akwasaganye nga akola ebyo byayita ebyomuwendo. Yensonga lwaki tebafuna budde.

Tobulwa budde bwa Katonda, bwoba tolina budde busaba nokutabagana ne Katonda, mazima okwasaganye nyo. Funna akade otegeze Katonda nti omwagala, Byonna nga biwedewo, Katonda asigalawo, era tagwawo. Era bwoba nga tewazimba nkolagana naye, obudde bujakuba bukuyiseko.

Jebuvudeko Tata wange yawumula, era ndimusanyufu yalokoka, emyaka essatu ngatanafa. Newankubade tata wange yagenda mugulu, yasubwa okutambulira mubulamu obwobuwanguzi mu kristo Yesu. Yalingawo kululwe yekka, totuka kunkomerero yobulamu bwo newejusa kubanga wamala obulamubwo kubintu ebitagasa. Obudde kilabo kyamuwendo okuva eri Katonda, Era twegendereze engeri jetukozesamu obudde. Omanyi, bwebugenda tebuda. Obudde bwomala ne Katonda, buvamu empera ngayamuwendo, naye ebintu ebilala bikuwa esanyu elitaberera atte kumuwendo ogwawagulu enyo.

Mbade ntesa osalewo okumala omwaka ogujja gwona ngesira olitade kukwagala kwa Katonda, ngoyiga ebyawandikibwa ebikwata kumukwano, osobole okuyiga engeriyokufuna Okwagala kwa Katonda. Okwagala kwa Katonda kuleta, emirembe, essanyu mu bulamu. Era ayagala tuwumule era tunyumirwe okubera abana. Soma ebyawandikibwa, ebituyigiriza ebyobwakatonda, tweyongere okumutegera.

1 Yokaana 4:16 Egamba, “Nate twategeera era tukkiriza, Okwagala Katonda kwalina gyetuli. Katonda kwagala; n’oyo abeera mukwagala, abeera mu Katonda, ne Katonda abeera mu ye.”

Oyinza obutawulila kwagalwa ngobude bwakakya, oba olyawo towulila manyi era ngomanyide ddala, nti ogenda kubera mwenyamivu olunaku lwona. Amawulire amalungi, osobola okukyusa endowozayo ngoyogera ebigambo ebikuzamu amanyi nokukiriza. Yogerera wagulu, “Katonda anjagla nyo. Nze munye yeliso lye, era alina entekateka ennungi eli obulamu bwange.” Bwonoyogera ku Katonda, nekigambo kye mukifo kye bizibubyo nengeri gyewewulila, ojakukyusa olunaku lwo.

Olina okwebulila, era otegere nti wetolozeddwa okwagala kwa Katonda. Baibuli egamba nti Katonda alina ekifananyi kyo mukibatu kyomukono gwe (Isaaya 49:16) Ndaba Katonda nga agamba, “Obalaba? Sibalungi? Mbagala nyo. Laba abana bange, mubibatu byange. “akulina nga ekijukizo gyali, nti akwagala nyo era ayagala okutabagana nawe.

Jukira okwebaza Katonda era otandikewo enkolagana eyo kutabagana naye bulijo. Ebisera ebimu kijakwetagisa okuleka byobade okola, otwale akadde okumwebaza olwokuba omumanyi era omugambe ngabwali owekitalo. Wumula, yagala Katonda, 1Yokaana 4:16-17 Agamba, Nate twategeera era tukkiriza, Okwagala Katonda kwalina gyetuli. Katonda kwagala; n’oyo abeera mukwagala, abeera mu Katonda, ne Katonda abeera mu ye. Mu ekyo okwagala

mwe kutuukirizibwa gyetuli, tubeere n'obugumu ku lunaku olw'omusango; kuba ye nga bw'ali, naffe bwetuli mu nsi muno.

Okumanya nti Katonda akwagala kikuwa obuvumu muye, nokumwesiga oyo omwesigwa. Emikisa gyona gyalina kululwo, jijakuja singa oganya Katonda okukwagala; Okukiriza okunene, obuwanguzi eri ekibi, emirembe mumutima gwo, okuwonyezebwa, obulamu obwobugaga mubilabo bye ne ssanyu. Era bija singa okiriza Katonda okukwagala, emirundi mingi tukikyusa netulowoza, wewawo, nina Okwagala Katonda, nzikiriza, ekisokerwako, kwekukiriza Katonda akwagale. Sikiriza nti osobola okulaga Katonda omukwano, mpaka ngomulese nakwagala. Baibuli egamba nti tumwagala kubanga yeya soka okutwagala. 1Yokaana 19

Bwetumanya nti Katonda atwagala netutwala okwagala kwe, naffe twesanga nga tumwagade. Awo netulyoka tutabagana naye. Oyinza okuba ngawewunya, ofuna otya okutabagana ne Katonda? Katonda bweyangamba okutabagana naye, natula muntebe yange nengamba, "kati ate kiki Katonda" mazima! Nalisimanyi bwentabagana ne katonda kubanga, akasera ako, nalisimanyi obuzito bwomukwano gwalina gyendi, era ngasimanyi nti ayagala mbe mukwano gwe owuluberera. Akasera kenamala nga ndi ne katonda, nga nsaba, okusoma ekigambo, ebisera ebimu nga nsirikirira mu kuberawo kwe, nayiga okunyumirwa okutabagana ne Katonda.

Njagala okukubiriza okufuluma otandike. Wa Katonda

omukisa oba omwaganya era ajakuyigiriza okutabagana naye. Sijagezako kuwa nkola ya kutabagana ne Katonda. Sagala obere nebikwate mu ngeri gyotabaganamu ne Katonda. Njagala olungamizibwe omwoyo omutukuvu. Katonda ayagala omuwuliremu emirembe… bwosoma abaefeeso 3:17, omutima gwo nyumba ya Katonda.

4. OKWAGALA, OKUKIRIZA, NOKWESIGA

Okukomolebwa tekulina maanyi newankubade obutakomolebwa, wabula okukiriza okukola olw'okwagala Abaggalatiya 5:6

Abasinga obunji tumala ebisera binji nyo nga tugezako okufuna okukiriza. Tumanyi nti awatali kukiriza tekisoboka kusanyusa Katonda (Abaebbulaniya 11:6), nolwekyo tukola nyo okufuna okukiriza. Naye okukiriza kukula mumitima gyaffe, era tukufuna okuyita mu kutabagana okw'okwagala ne Katonda atte nga tuwuliriza ekigambo kye. Ekyo okifuna nakubikulirwa okuva eri Katonda. Sisobola kuyigiriza kukiriza, naye nsobola okuyigiriza enkola ezikulungamye mu mulegendo lw'okukiriza olyoke ofune enjala nenyonta mugwe. Okukiriza gwemukono ogufuna okuva eri Katonda.

Tulekere okulafubana enyo okufuna okukiriza okusanyusa Katonda, tutandike okozesa obudde obwo ne Katonda, ngatumwagala era nga tufuna okwagala kwe. (2 Abakkolinso 5:7) Kubanga tutambula olw'okukiriza silwa kulaba. Bwenali nsoma ekyawandikibwa kino, nawulira Katonda nga ayogera eri omutima gwange. Yandaga nti sikwagala kwange,

newankubade ogezako okutambulira mukukiriza. Ekiwandiko kino kiraga nti, njakutambulira mu kukiriza nganesigamye ku kukiriza kwenina munkolagana yange ne Katonda. Lowoza ku kino. Webuze bwowulira mu nkolaganayo ne Katonda. Omuntu akkiriza nti simutukirivu mu maaso ga Katonda, tasobola kutambulira mu kukiriza. Twatukuzibwa okuyita mu sadaka ya Kristo Yesu (2Abakkolinso 5:21). Obutukirivu bwaffe tebwasigamye ku byetwakola oba byetugenda okola; kyesigamye ku Yesu kyeyakola. Nolwekyo omuntu yenna akkiriza nti yalemwa tatukiride era Katonda tamwagala, tajasobola tambulira mu kukiriza.

Abaggalatiya 5:6 egamba okukkiriza kukolera mukwagala. Abantu abasinga balowoza nti ekyawandikibwa kino kitegeza nti bwebaba basobola okwagala abantu abalala, awo okukkiriza kwabwe kujja bakolera era bajja kufuna byebetaga okuva eri Katonda. Newankubade Katonda ayagala tutambulire mu kwagala, tekisoboka ku tukirizibwa okujako ngatukiriza Katonda asoke otwagala. Kyangu nyo: tetusobola kuwa kyetutayina. Nagezako emyaka mingi okutambulira mu kwagala na'bantu kubanga nali manyi nti kyekiragiro kyakatonda, naye ne binema emirundi mingi okutusa bwenafuna okwagala kwa Katonda okutaliko bukwakulizo. gyenakoma okuwulira obulungi, gyenakoma okutukirira abantu no kwagala okutufu. Bwoyiga nti Katonda akwagala nyo, tojafuna buzibu okufuna okuva eri Katonda era ebyetago byo Katonda abitukiriza. Ensonga lwaki abantu tebafuna kuva eri Katonda, kubanga tebakiriza nti Katonda abagala era ayagala okugabirira ebyetago byabwe nokubawa emikisa.

Oyinza ogamba "njagala okukiriza, naye nzikiriza ntya?" Olina okwagala kwa Katonda mugwe, kyewetaga kwekumanya nti wekuli. Baibuli egamba, "tumwagala kuba yeyasoka okutwagala" (1 Yokaana 4:19). Kyandibade kizibu nyo oba obutasoboka kwagala Katonda singa wali toli mukakafu nti yeyasoka okwagala.

Okwagala kwa Katonda kuli mumutima gwo… ebuziba munda mugwe. Era ojakumanya bwonatandika okwelaba ngaye bwakulaba. Agamba nti oliwamuwendo, oli mulungi, oliwakitalo gyali. Katonda akwagala! Tewali muntu yenna munsi alikwagala nga katonda bwakwagala. Gyokoma okufumintiriza ku kwagala kwa Katonda, gyokoma okusumulula okukiriza kwo notambulira mu bulamu katonda bweyakutegekera.

Tolina gwewataga okujako Katonda, naye ajakuleta abantu abalala mubulamu bwo. Naye amazima gali nti, singa tewaliwo muntu mulala yenna okujako gwe ne Katonda, wandibade bulungi. Katonda ajjakuba mukwano gwo asinga. Ajjakuba nfa nfewo bwoba tolina. Ajjakuba taata oba maama mubulamu bwo. Yebyona mubyona, yekka gwewetaga. Tokola nsobi kusulayo gwanagamba nga osaba Katonda akole; musabe ajjule obulamu bwo. Musabe ajjuze era ajule obulamu bwo (Abaefeeso 3:16, 19). Katonda akwagala, era ayagala okugabirira ebyetago byo nokuwa okuyayana kw'omutima gwo. Bwosanyukira muye, ajjakuwa byonna mubisera ebituffu (Zabbuli 37:4). Katonda yagamba Ibulayimu, nti alimuwa omukisa era amufule omukisa eri abalala. Ekyo Katonda kyagala okola mu bulamu bwo, naye

olina okukyikiriza! Sumulula okukiriza kwo era okiririze mu bisubizo bya Katonda, kubanga byonna bibyo!

5. OKUGERAGERANYA OKUKIRIZA AWAMU NEBIKOLWA EBY'OMUBIRI

Abaefeeso 2:8 “walokolebwa lwa kisa” obadde okimanyi nti tolina kyewakola okuwebwa oba okufuna obulokozi? Abasinga kuffe twali bononyi Yesu weyatusangira okutulokola, ebirabo bye ebyobulokozi mazima tebyesigama ku bikolwa byaffe ebirungi newankubadde obusobozi bwaffe. Ensonga eli emu yokka, Katonda yatwagalanyo nawayo omwana we omu yekka buli amukkiriza aleme okubula wabula abeera no’bulamu obutagwawo (Yokaana 3:16)

Ekissa kiyinza okuvunulwa nga okwagala kwa Katonda okukozesa amanyige mubulamu bwo okusisinkana ebyetago byo byonna. Nga Katonda, mu kisa kye, yakuwa okukkiriza okumala okulokoka, olw'okwagala kwe akuwa okukiriza olw'ebintu ebilala byewetaga. Oyinza okwagala abagalwabo oba emikwanogyo jikirize Yesu Kristo, naye amazima toyinza kukaka muntu yenna kwagala Katonda. Osobola okusaba Katonda akole mu mitima gyabwe, naye tosobola kikola namanyi gamubiri oba ebikolwa byo.

Ebikolwa ebyomubiri, oba ebintu byetugezako okola mu manyi gaffe, ebisera ebisinga bitumalamu amanyi kubanga tuba tugezako okola Katonda yekka kyasobola okola.

Tukola naye nga tetulaba biva muntuyo zaffe, kyetwetaga okola kwekwewombeka mumaso ga Katonda netusaba obuyambi bwe. Baibuli egamba 1Peetero 5:5 Bwemutyo abavubuka mugondere nga abakadde era mwena mwesibe nga obuwombeefu okuweerezagananga mwekka namwekka kubanga Katonda aziyiza abamalala naye abawombefu abawa ekisa.

Ekisa kyakatonda kikulu nyo mubulamu bwaffe. Twalokoka lwakisa okuyita mukukkiriza, era ngabwetwalokoka yengeri gyetulina okutambuliramu munaku zaffe ezabulijo – lwakisa kyakatonda okuyita mukukiriza! Bwoba no musingi guno ogw'okwagala mubulamu bwo, awo otandika okumwesiga. Osobola okutambula lwakukiriza naye silwa kulaba. Ojakumanya mu mutima gwo nti Katonda mwesigwa okutukiriza ebisubizobye.

Okusinzira kunzivunula eno eya baibuli, Okukiriza "kwe kwesigama ku Katonda nebibyo byonna nga omuntu nga obuvumu bwo bwona buli mu manyi ge, amagezige, nobulungi bwe" (Abakkolosaayi 1:4). Bwokiriza Katonda okwagala, ojasobola okola ekyo. Gyokoma okweyongera mumukwano ne Katonda, no kukirizakwo gyekukoma okula. Ogyakulaba Katonda nga akola ebikulu nebinene okuyita mugwe, naye byonna bitandika nakufuna okubikulirwa kwo kwagala kwa Katonda. Katonda akwagala era tobusabusa.

6. EDDEMBE OKUVA MU KUTYA

1Yokaana 4:18 Temuli kutya mukwagala, naye okwagala okutuukirivu kugobera ebweru okutya, kubanga okutya kulimu okubonerezabwe, noyo atya tannatuukirizibwa mukwagala.

Tuyinza okutuka kudala nga tuli bulungi mukukiriza, ngatwesiga Katonda, era ngatulibavumu nti atwagala.

Awo omulabe nalyoka atulumba. Embera zobulamu- ebimu kubintu ebibi ebitutukako- bigezesa okukiriza kwaffe. Abantu abamu tebakisangamu buzibu kukiriza nti Katonda abagala okutusa embera bwezibalumba nezibaletera okulowoza nti Katonda tafayo.

Awo omulabe naleta okutya no kusala omusango asobole okukwawula okuva mukinakuyamba- kwagala kwakatonda "naye ate kino? Agamba "mbade ndowoza Katonda akwagala. Lwaki ebintu ebibi bikutukako? Olina okuba ngawaliwo kyewakoze nga kibi. Katonda yakunyigide. Kyangu mu kisera ekyogezesebwa no kuyiganyizibwa, ebisera ebilabika nga ebitali byabwenkanya, okugwamu amanyi mu Katonda. Katonda tamala gakola bintu ngabwetulowoza oba bwetwandyagadde akole. Alina entegekka enungi

gyetuli. Ayagala atukyuse nyo okusinga okukyusa embera zaffe. Era ebisera ebisinga akozesa embera ezinyigiriza asobola okuzimba okukiriza kwaffe muye era tulyoke tuyige okukiririza muye yekka. Mu bisera ebyo, tuyinza obutamanya kyakola, netwanguwa okulowoza nti Katonda tatwagala. Awo bwetulina okujujira Abaruumi 8:35-39 Ani alitwawukanya no'kwagala kwa Kristo? Tuli bawunguzi nokukirawo mu Kristu Yesu. Kyetulinna okola nga tuli mu buzibu, kwe kwatulira wagulu ngatugambi nti "Katonda, nkimanyi nti onjagala, era nzikiriza nti byona bikolebwa ku lwobulungi."

Ebisera ebimu Katonda alinda okutununula okutusa bwetulowoza nti akereye, ojukira Lazaro? Yalwala, naye Yesu yalinda okutusa bweyafa nga tanabadukirira namaka'ge. Mariza yagamba Yesu, nti okereye, naye Yesu yali amanyi kyakola, era Lazaro yazukira okuva mubafu mungeri eyawesa Katonda ekitibwa. Katonda tajakolela mubude bwaffe, naye Katonda talwa. Bwoba olina ebizibu mu bulamu bwo, amaso togaja ku katonda era no kukkiriza kwo kusigala nga kulamu. Tokiriza kutya nakutabulwa okuba okwagala kwa Katonda okuva mugwe.

1Yokaana 4:18 ekyawandikibwa kino kyamanyi nyo "Okwagala okutukiride kugobera wala okutya" nafumitiriza kulunyiriri olwo nga ngezako okulutegera, lumu nentegera ekyawandikibwa ekyo. Okwagala okutukiride kugobera wala okutya era Katonda ye kwagala okwo okutukiride. Bwomanya nti okwagala kuno kutukiride gyoli, tojakukiriza kutya kufuga. Wewawo oyinza okutyamu, naye ojakweyongera ne

Katonda kubanga omanyi nti aliwamu nawe.

Tekisoboka kutya okulemwa bwoba omanyi nti Katonda akwagala. Obawadembe ogezako okola ebintu olwokuba omanyi nti okwagala kwakatonda nokukirizibwa tekwesigamye ku byokola. Tosobola kulemererwa bwoba wesigamye ku Katonda. Naye osobola okulemelerwa bwoba wesigamye ku manyigo ag'obuntu. Ebintu biyinza obutavayo nga bwewali otegese, naye bijakuba bilungi amaso go bw'otagajja ku Katonda. Bwoba omanyi nti Katonda akwagala, tojakutya kulemelerwa, okuganibwa, okubulwa, ebyayita, ebyomumaso, oba ebilala byonna.

Okwagala kwa Katonda Kunene nyo, kubika kubintu byonna. Naye webuze, Katonda eyakulokola, nakusumulula, anakuganya okuwulira nga alemeledwa? Akuleke nga atalina ssubi. Sitaani yemulabe we mwoyo gyaffe. Ye mubbi, mulimba, naye Yesu ayagala tubemubulamu obujuvu era tubunyumirwe (Yokaana 10:10).

1 Yokaana 4:18 Temuli kutya mukwagala, naye okwagala okutuukirivu kugobera ebweru okutya, kubanga okutya kulimu okubonerezabwa, noyo atya tannatuukirizibwa mukwagala

Katonda bweyanjiriza nti okwagala kwe kugobera wala okutya, okuyiga okwo natandika okukozesa. Twalina obuzibu nemotoka, nga tulowoza nti sawa yonna emotoka ejakulekera awo okutambula, naye ngatetulina ssente zakujikanika netugivugirawo mu mbeera eyo. Nawulira

Katonda nga azamu omutima gwange amanyi nebigambo bino “Joyce, kiriza nkwagale, nawe onjagale okuyita mu lunaku luno. Tokola kintu kyonna, togozeko kubba mukazi alina okukiriza okunji enyo, wumulira mu kwagala kwange”. Nalinyimba enyimba nganyumirwa okuberawo kwa Katonda. Mbagirawo nempulira bawange mu garage edakika amakumi ana mutano okuva kumilimu gye! yagulawo olugi nagamba “emotokka ebade eganide mu gear namba emu, naye kati tujitwale bajikanike”. Nagalawo olugi nentandika okusekka. Ekyo sikyenandiyanguye mu magezi ag'obuntu okukola, era sakirowozako mu kasera ako kyajjabuzi. Kubanga nakiriza Katonda anjagale, nasobola okusekka newankubadde embeera teyali nnungi. Okuwumulira mukwagala kwa katonda, kugulawo olugi lwokukkiriza mu gwe mukifo kyokutya. Natandika okusekka, era okwo kwali kukiriza. Naseka kubanga ebuziba munze, nali manyi nti Katonda atwagala, era ajatugabirira.

Ibulayimu yasekka ensekko zokukiriza Katonda bweyaja gyali namugamba nti ogenda okufuna omwana owubulenzi, Ibulayimu Yasekka! Yamanya nti tewali ngeri yonna, mu buliwo ye awamu ne mukazi we Sara bwebali bayinza okufuna omwana, naye yakkiriza Katonda, era yasanyuka nyo ng'abwasekka.

Nzikiriza bwetukola bwetutyo, kigula olugi Katonda mwayita okukola ebyewunyisa. Ani ayinza okulowoza ku kusekka nga alina ekizibu? Baibuli egamba, Katonda atula mugulu nasekerera abalabe be (Zabbuli 2:2-4). Katonda

bwaba asobola okikola, naffe tusobola. Weyongere okusekka enseko ezokukiririza. Katonda akwagala, ate Katonda bwaba kuluyi lwaffe, omulabe yani?

7. OKWAGALA KUTUKIRIRA ABALALA

Era tulina ekiragiro kino ekyava gy'ali, ayagala Katonda ayagalenga ne muganda we.

—1Yokaana 4:21

Olimwana wa Katonda wamuwendo nyo, bwatyo bwagamba mu kyamatekka 7:6. Bwoba omanyi nti oliwamuwendo era notambulira mu sanyu, nobuvumu awo ensi ekwetolode etandika okugondera. Ojakugenda mukatale nga omwenya ngolowoza nti njagalibwa, byonna bilungi gyendi, nsobola okuwa abalala omukisa gwokwagala kwempulira mu Katonda. Osobola okusanyuka yonna gyogenda, era essanyu lyo neliwa abalala emikisa.

Zabbuli 100:2 egamba " tuweleze Katonda nesanyu" bwetutandika okumanya nti tuli ba muwendo mu masso ga Katonda ne muntegeka ze, endowoza zaffe neneyisa byasigama ku ku bikulirwa okwo, tugabana Yesu netwolesa okwagala kwe mungeri ezisika abantu. Okwagala kwa Katonda okukulukutira mugwe kujja kuletera okufayo eri ebyetago byabantu era ojafuna okusasirwa gyebali. Okwagala kwa Katonda mugwe kujakusumulula okuva mu kutya, ela tojakutya kutukirira balala nokwagala. Tojakutya kuganibwa, oba okukozesebwa, okwagala kwa Katonda mugwe, kuja

kulaba ebyetago abalala byebalina era ojakubayamba okubisisinkana.

Katonda ayagala okirize nti bwagamba ajakola ebikulu okuyita mugwe kubanga Yesu abeera mugwe, mwesige era mukirize. Okuyita mukwagala, ayagala akukozesa osobole okuyamba abalala. Jukira okwagala kwa Katonda okutukiride kugobera wala okutya, nolwekyo tokiriza kutya okulemesa okufuluma mu kukkiriza.

Sisobola kubulira emirundi gyembade ku "lukomo mukukiriza" nga natera okola ekitisa nga Katonda agamba "vawo nawe Joyce njakola ebikulu okuyita mugwe" ebisera byonna byenfulumye mukukiriza Katonda tanjiwangako.

Obadde omanyi lwaki sitya newankubade okwelalikirira okufuluma oba okulemererwa? Kubanga manyi nti Katonda anjagala. Anjagala era amanyi nti nange mwagala, okuyita mu kisa kye, obulamu nabuwayo gyali. Bwoba bwotyo bwewakola nga oyagala Katonda naye nga akwagala, tewali buzibu buyinza kulemesa kuwangula mu Yesu Kristo.

Okuyayana kwo bwekuba kuyamba abantu abalala, Katonda ajakuyamba osobole okubayamba. Tewetaga kuba nabusobozi bungi, wetaga kubawo nakwewayo, ebisigade Katonda ajabikola. Oyinza okulowoza nti byosobola bitono, naye ebinyomebwa byebivamu ebyamanyi.

Teweyagaliza wekka, nga okozesa amanyi go gonna, ngawefako wekka era nokwetusako byonna byoyagala. Gamba

Katonda byoyagala oba byewetaga era amasso go gakumira ku Katonda osobole okumanya engeri omwoyo omutukuvu gyakulungamyamu okutukirira abalala nokubawa omukisa.

Kyokolede abalala, Katonda ajja ku kikukolera. Bwoba olina ekyetago, bera "omuntu afayo okulowoza ku nsigo" si muntu alowoza kwebyo byeyetaga. Kitegeza bwotukirira abalala, Katonda agibala okuba ensigo esigidwa osobole okukungula mu bulamu bwo.

Bulyomu ayagala okulakulana, naye tulina okuyiga okulakulana kye kitegeza. Bwenti bwenkivunula, kwekusobola okozesa obusobozi bwa Katonda okusisinkana buli kyetago ekija gyoli. Okwagala kwakatonda kujakuwa obusobozi okusosa obyetago byabalala. Olowoza Katonda akwagala ekimala okusobozesa okutukirira abalala mu kwagala, neri abo abatayagalikika, abatasima? Kyanguwa okwagala omuntu akwagala, naye tulina okuba nekisa kyakatonda okwagala abo abatayagalika. Okwagala kwa katonda okukulukutira muffe, kujja kikola kubanga okwagala kwa Katonda tekuliko bukwakulizo. Twawebwa awatali muwendo naffe kitugwanide okuwayo awatali muwendo. Okwagala tekulemwa era tekuwanika. Kuyinza okutwala omwaka gumu, emyaka ettano, emyaka abiri mu ettano, naye byonna mu byonna kukigwana. Bwoba ofuna obuzibu ogumikiriza okwagala omuntu atayagalikika, jukira emirundi Katonda jeyakugumikiriza nga akulinda okukyuka.

1 Abakkolinso 13 Okwagala kugumikiriza, kulina ekisa, tekuba nabujja, okwagala tekwekulumbaza, tekwegulumiza,

tekukola bitasana, tekunonya byakwo, tekunyiga….. Bino byebimu katonda byatuwa okuyita mukwagala kwe, era tusobola okuvayo netukola ebintu byebimu eri abalumwa, ababula, abalumwa enjala yo kwagala kwa katonda mu bulamu bwabwe.

Katonda akwagala, era ayagala abantu bonna abakwetolode. Abagala, oba balokoka oba tebalokokanga, era ayagala akukozesa nga omukutu okubawa okwagala kwe.

Totya kufuluma. Okwagala kwa Katonda ku kusumulula okuva mu kutya nokusalirwa omusango, era akuwade obusobozi okwagala. Malirira okugabana okwagala kwa Katonda nabalala. Osobola okutandika nga obafula mikwano gyo. Kifule enkola okukola emikwano yonna gyogenda osobole okuba owomukisa eri abantu.

Ebikolwa ebyokwagala oba okusasira okusingira dala eri abawubade oba abawedemu amanyi. Oyinza okuyita abantu okulya nawe ekyegulo, bayite bakukyalire, babuzeko ng'ojude essanyu, banywegere oba bawe ekigambo ekizamu amanyi, bayambe mubyabuliwo, ekyokulabirako, bako gw'oyamba nga omutwalako mu motokka yo bwaba nga eyiye ekanikibwa, tukirira omukozi omupya ku mulimu olabe oba oyinza okumuyamb. Katonda alina byayagala okole. Kiyinza obutalabika kuba kinene oba nga kyamakulu gyoli, naye kikulu nyo gyali. Abantu kinti kikulu nyo mumaso ga Katonda!

Waliwo abantu nga gweweka asobola okubatukirira, saba Katonda akuwe engeri yokubatukirira no'kwagala kwe, era ajakuyigiriza.

8. OKWAGALA KWA KATONDA KUJJA KUKYUSA!

"Mukino mwe muli okwagala, so si nga ffe twagala Katonda, naye ye yatwagala ffe, natuma omwana we okuba omutango olwebibi byaffe."

—1 YOKANA 4:10

Katonda atwagala, naye simanyi oba abangi kuffe tutegera obukulu bw'okwagala kwe oba engeri gyatwagalamu.

Katonda atulaze, okuyita mu somo lino, nti singa munda muffe tumanyi engeri Katonda gyatwagalamu, singa tweyisa mungeri eyenjawulo okusinga bwetweyisa ebisera ebisinga. Fumitiriza kukwagala kwa Katonda gyoli. Kye kijja okukukyusa. Bwoba olina kyotayagala kugwe, awo okumanya nokukiriza nti Katonda akwagala nga bwomulindirira okukola mugwe, Kijakukuyamba okunyumirwa olugendo. Bwoba nga wenyamira kulwebibi byo, oyinza obutakyukira ddala. Jukira Katonda akola okuyitira mu kukkiriza, era okukiriza okwaddala, kutuletela okuwumulila mukiwumulo kya Katonda. (Abaebbulaniya 4)

Kilabika waliwo abantu bangi abatalina nkolagana nnungi nabo kenyini. Tebeyagala era kisoboka okuba nga be kyawa.

Bwoba nga olafubana ne ngeri gyewewuliramu, njagala okukujukiza nti osobola okukyawa ebibi byokola, naye tewekyawanga. Yesu yakufirira olwo kwagala kwe okungi gyoli, era ayagala ofune ekilabo kye ekyo muwendo.

Baibuli egamba, "Kubanga ngabw'alowoza mu nda ye, bw'ali bw'atyo" (Engero 23:7). Bwoba nga welaba bubi ebisera byona, nga wenyoma era nga tokilaba nti oliwa njawulo, tojakuba namirembe ne sanyu, era kijakulabikila mu ndowoza zo, ne bikolwa byo. Lwakuba tonaba kunyweza mu mutima gwo, amazima agakyusa obulamu nti Katonda akwagala okusinga bwomanyi.

Katonda ayagala obere naye bulijo, Ekyo kye kijja okukyusa. Bwoba tososa Katonda, ojja kuba omutadde mu kifo watagenda kusobola kukukolera byayagala okukola. Akasera komala ne Katonda, nga omwagala, naye na'kwagala, kekaja okufula okubera owamanyi, omuvumu era omukulu.

Abantu bangi abalina ebyokwewoleleza era nebatafisawo budde okuzimba enkolagana ne Katonda. Bandyagade okubera nenkolagana naye, naye tebekumira mu mpisa, era tebeyongera mu mpisa ennungi eyo'kusoma ekigambo no'kusaba. Kino bwekiba kizibu gyoli, saba Katonda akuyambe otandike omuze ogwo kumala obudde naye buli lunaku. Kino kye kisinga okuba ekyo'muwendo! Okwagala kwa Katonda kuja kukyusa. Nga bw'owulila Okwagala kwe era no kukutegera bulijjo, okuyayana kwo kuja kukyuka. Oja kwagala okufanana ne Yesu, oyo akwagala. Okumanya nokutandikawo embala ya Katonda mu bulamu bwaffe kye

kilina okusokerwako. Paulo yagamba nti ekigendererwa kye kyali kya kumanya Kristo, n'obuyinza obw'okuzukira kwe (Abafiripi 3:10). Paulo yagamba nti yali alina okuba omumalilivu.

NJagala kukuzamu amanyi okuba omukalativu ku nkolagana yo ne Katonda. Osobola oku semberera Katonda nga bwo yagala; kisinzira ku budde bwoyagala okutekamu.

Baibuli egamba, ffe tukikirira Katonda, era ayogera eri ensi okuyita muffe (2 Abakkolinso 5:20) Ekyawandikibwa ekyo kinkwatako, era kindetera Okutegera nga bwekiri ekyo'mugaso okugoberera obukulembeze obwo'mwoyo wa Katonda nga bwakola muffe, okutukyusa nokututereza ku lwe kigendererwa kya Katonda. Omwoyo wa Katonda y'afukumula Okwagala kwa Katonda mu mitima gyaffe (Abaruumi 5:5). Kutwale, kunyumirwe era lekka kukukyuse!

ESSALA EYOBULOKOZI

Katonda akwagala ela ayagala okuba nenkolagana eyasekinomu nawe. Bwoba tokirizanga Yesu nga omulokozi wo, osobola okulokoka kati. Gulawo omutima gwo osabe essala eno……..

Kitange, manyi nti nyononye mumaso go. Nsaba onsonyiwe. Naza ntukule. Nsubiza okwesiga Yesu, omwana wo. Nzikiriza nti yanfirira – Yetika ebibi byange bweyaffe kumusalaba. Nzikiriza nti yazukuzibwa okuva mu bafu. Obulamu bwange mbuwayo ewa Yesu kati.

Webale, Kitange olwekilabo ekyokusonyiyibwa nobulamu obutagwawo. Nyamba okuba omulamu kululwo. Mulinya lya Yesu. Amina.

Ngabwosabye okuva mu mutima gwo, Katonda akukkiriza ngabwoli, akutukuziza era nakusumulula okuva mu busibe obwokufa mumwoyo. Funayo akadde osome era oyige ebyawandikibwa bino, ela osabe Katonda ayogere nawe nga bwotambule naye mulugendo lwobulamu bwotandise leero.

Yokaana 3:16	1 Abakkolinso 15:3-4
Abaefeeso 1:4	Abaefeeso 2:8-9
1 Yokaana 1:9	1 Yokaana 4:14-15
1 Yokaana 5:1	1 Yokaana 5:12-13

Saba Katonda akuyambe okufuna ekkanisa ekiririza mu baibuli osobole okukula era odizibwemu amanyi munkolaganayo ne Kristo. Katonda aliwamu nawe. Ajakulungamya bulijjo era akulage engeri joyinza okutambulira mubulamu obujude bweyakutegekera.

ZULA EKILABO KYO EKIVA EWA KATONDA

Okwagala okutaliko bukwakulizo

Amanyi no kwagala kwa Katonda webili kululwo – olwalelo! Era toli omu ku kibina oba ekibinja kyabantu. Nebwoba nga gwe asigade Kunsi kunno, Katonda asigala nga akwagala. Ekizibu kili nti, nga abantu abasinga, oyinza obutakitegera oba, singa okitegera mu magezi agobuntu, oyinza obutakiwulila mu mutima gwo. Kati kimanye nti osobola. Obubaka obwa manyi mu katabo kano, bujakulaga:

- Okutegera okwagala kwa Katonda munda mugwe
- Okulekela awo okulowoza ntitolimulungi kimala
- Okufuna okubikulirwa okw'o kwagala kwa Katonda okwewunyisa
- Engeri yokusisinkanamu Katonda ne mu mbera embi
- Engeri omukwano gwa Katonda bwegugenda okukyusiza ddala.

Nga agabana ebilowozo bye no kubikulirwa okukyusiza obulamu bwe bwona. Joyce Meyer akuletela ebyawandikibwa nebigambo ebya magezi ebisobola okugulawo edirisa elyo kwagala kwa Katonda. Era ekitangala kikwakire nga omuntu.

BAGAMBE MBAGALA - JOYCE MEYER